# Obuwanguzi bwa Cubs bulaze obukulu bw'okuteeka ssente mu mupiira

## Agafa mu FUFA

ne Patrick Ntege



TTIIMU ya Uganda ey'abali wansi w'emyaka 17 (Cubs) yayingidde ebyafaayo by'omupiira mu nsi yonna. Yakoze erinnya n'eyingira mu bitabo bya World Cup bwe yatuuse ku luzannya lwa ttiimu 16 mu mpaka eziyindira e Qatar.

Omutendesi waayo, Brian Senyondo ne ttiimu yonna wadde tebaatuuse ku 'quarter', baavuddeyo nga buli omu akkiriza nti baakoze omulimu mulungi. Okuzannyisa obumalirivu, okwolesa obukodyo naddala nga battunka ne ttiimu ezakabi kyalaze nti Uganda ekula mu mupiira.

Cubs yalaze nti omupiira gwa Uganda gukula buli lukya. Abazannyi obwedda balabagana bulungi, okugwa mu mipiira, okusindirira ennyanda byonna Uganda yabadde ebikola bulungi. Wadde olugendo Cubs teyalumazeeko, ebyafaayo tebigenda kuvaawo.

Obuwanguzi bwa Cubs kabonero akalaga nti abazannyi n'abakungu bakola butaweera okutumbula omupiira gwa wansi. Pulezidenti wa FUFA, Moses Magogo mumativu n'omutindo gwa ttiimu olw'okuweesa eggwanga ekitiibwa. Magogo, agamba nti tagenda kukoowa kusakira mupiira gw'abaana okutuusa nga guvuddemu ekisingawo.

Omutindo gwa Cubs gwayongedde okuleetawo essuubi mu Bannayuganda nti gye tulaga tulabayo. Kati abaana okwetooloola Uganda basanyufu n'omutindo gwa Cubs era beegomba okutuuka mu bigere by'abaabadde mu World Cup.

Obuwanguzi bwa Cubs bwolese obukulu bw'okuteeka ssente mu mupiira gw'abaana kuba ebibala bitandise okulabikako. Nga bakomawo ku Lwokutaano okuva e Qatar, Cubs yayaniriziddwa nga abazira. Wabula olugendo terukoma wano kuba Magogo asuubizza okwongera okukola ennyo okutuusa nga Uganda efuuse emu ku zisinga mu Afrika.

ntegepatrick1986@gmail.com/0704208611